غفلت (Luganda)

OBUBUYABUYA

Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila

Muhammad Ilyas
Attar Qadiri Razavi دامت برکاتہم العالیہ

غَفلت

Ghaflat

OBUBUYABUYA

Akatabo kano kawandikibwa Shaykh-e-Tariqat Amīr-e-Aĥl-e-Sunnat, omutandisi wa Dawat-e-Islami ‘Allāmaĥ Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَه mu lulimu olu Urdu. Majlis y’okuvvunula evvunnude akatabo kano mu lulimi Oluganda. Bw’osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n’ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Šawāb].

Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)
Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan
UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262
Email: ✉ translation@dawateislami.net.

www.dawateislami.net

Obubuyabuya

Enzivunnulwa mu Luganda eya: 'Ghaflat'

◈

ALL RIGHTS RESERVED

Copyright © 2016 Maktaba-tul-Madinah

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

1st Publication: Rabi'-ul-Awwal, 1437 AH – (Feb, 2016)
Publisher: Maktaba-tul-Madinah
Quantity: -
ISBN: -

Sponsorship

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

Maktaba-tul-Madinah
Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✍ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net - maktaba@dawateislami.net
✆ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999
💻 **Web:** www.dawateislami.net

www.dawateislami.net

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ
اَمَّا بَعْدُ فَاَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ ؕ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ؕ

E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye:

اَللّٰهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْاِكْرَام

Okuvvuunula:

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(Al-Mustaṭraf, vol. 1, pp. 40)

N.B: Saalira Nabbi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

www.dawateislami.net

Transliteration Chart

ء	A/a	ڑ	Ř/ř	ل	L/l
ا	A/a	ز	Z/z	م	M/m
ب	B/b	ژ	X/x	ن	N/n
پ	P/p	س	S/s	و	V/v, W/w
ت	T/t	ش	Sh/sh		
ٹ	Ṫ/ṫ	ص	Ṣ/ṣ	ھ/ ہ /ۃ	Ĥ/ĥ
ث	Š/š	ض	Ḍ/ḍ	ی	Y/y
ج	J/j	ط	Ṭ/ṭ	ے	Y/y
چ	Ch	ظ	Ẓ/ẓ	◌َ	A/a
ح	Ḥ/ḥ	ع	‘	◌ُ	U/u
خ	Kh/kh	غ	Gh/gh	◌ِ	I/i
د	D/d	ف	F/f	و مدّہ	Ū/ū
ڈ	Ḋ/ḋ	ق	Q/q	ی مدّہ	Ī/ī
ذ	Ż/ż	ك	K/k	ا مدّہ	Ā/ā
ر	R/r	گ	G/g		

www.dawateislami.net

Table of Contents

E Duwa Y'okusoma Ekitabo iii
Transliteration Chart iv

OBUBUYABUYA 1

Obulungi bwa Ṣalāt-'Alan-Nabī 1
Ettaffaali lya zaabu (golodi) 1
Ebireeta obubuyabuya 2
Ebiwobe by'abafu ebitagasa Futile Pleas of the Dead 3
Ekisobyo eky'ewunyisa 6
Okuyingira geyena (omuliro) mu maziga 7
Watya omuntu afiirwa Omukkiriza [Imān]? 8
Ababaka basatu ab'okufa 8
Obulwadde nabo bubaka bwa kufa 9
Erinnya liwamdiikibwa ku mulyango gwa geyena (omuliro) 10
Amaaso agajjuzibwa omuliro 10
Emisumaali gikomererwa mu maaso n'amatu 11
Okufaanana/okugeegeenya ffeesi y'abasiinza omuliro 11
Ani gwolina okwebikiririra? 12
Ebibi by'okugoberera emitendera egyaganibwa 12
Sasula-e-Ṣalāĥ 13
Allah nga ayagadde (اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ) 13
Ekyewuunyisa kya Dawat-e-Islami 14
Omubiri gwa Muḥammad Iḥsān 'Aṭṭārī 14
Omujulizi wa Dawat-e-Islami 16

www.dawateislami.net

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ
اَمَّا بَعْدُ فَاَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ ؕ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ؕ

OBUBUYABUYA

Newankubade Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma ekitabo kano okuva kuntaandikwa okutuusa kunkomerero ng'omegga obukodiyo bwa Shaytan. اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ, *ojakuwulira enkyuukakyuuka ya Madani.*

Obulungi bwa Ṣalāt-'Alan-Nabī

Kabaka wa Madīnaĥ صَلَّى اللّٰه تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, 'Abange abantu! Mazima, omuntu aja okuwona ennaku n'okubalibwa ku lunaku lw'enkomerero y'oyo eyali yansomera Durūd mu bungi, ku nsi eno'.

(Firdaus –bima' Šaur-ul-Khitāb, pp. 471, vol. 2, ḥadiš. 8210)

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Ettaffaali lya zaabu (golodi)

Kigambibwa nti omuntu omulongoofu omu lumu yafuna ettaffaaali lya zaabu. Nga asanyuse nnyo era nga yewunya nnyo, yatandika okulowooza ku gye bujja we. Yamala ekiro kiramba nga alowooza; ku mmere empoomu, engoye ez'ebbeyi enungi ennyo, n'omuwendo gw'abakozi omusaamusaamu abalindiridde okutuukiriza buli kyetaago kye. Nga atwaaliddwa eky'obugagga kino ekipya ky'afunye ate nga afumiitiriza ku bulamu obwagazisa, yasigala nga mubuyabuya

www.dawateislami.net

era nga yerabide Allah عَزَّوَجَلَّ Ow'ekitiibwa. Kumakya okwaddako bweyava ewaka we, nga atwaliddwa ebirowoozo ku mikisa egyaali gimurindiridde, yatuuka ku malaalo.

Eyo, yalaba omusajja eyali akola akadoongo waggulu w'entaana, okukola amataffaali. Mu bwangu ddala, omusaja yadda mu birowoozo bye, era olujiji olw'obubuyabuya lwajibwawo. Yatandika okukaaba nga bwalowooza, 'Olunaku lumu abantu abalala baja kukola amataffaali okuva ku ttaka ly'entaana yange nange. Ndabye! Enyumba yange ey'ebbeeyi n'ebyambalo eby'ebbeeyi byonna bija kulekebwa emabega. Bwenemalira ku bulamu obwagazisa obuletebwa etafaali lino elya zaabu, kija kunteeka okuwangaala obulamu obw'obubuyabuya. Bwemba nnina okwagala, nnina okwagala Allah عَزَّوَجَلَّ wange.' Nolwekyo yaleka etafaali elyo elya zaabu (golodi) era nasalawo okuwangaala obulamu obw'okutya mungu [Zuĥd], obujjude okwelekereza.

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Ebireeta obubuyabuya

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mazima, emikisa gy'okugwa mu bubuyabuya mingi nnyo ng'olina eby'obugaga ebingi ennyo eby'oku nsi. Oyo eyegomba ebirungi by'oku nsi agudde mu mutego gw'obubuyabuya. Obubuyabuya buteeka omuntu okubeera ewala okuva ku Allah عَزَّوَجَلَّ. Bizinesi kyengera, obugagga kyengera, enyumba enungi eyeyagaza nakyo kyengera, emmotoka ey'ebbeeyi nakyo kyengera, abaana nabo kyengera, naye okwemalira mu kyengera ky'oku nsi okutuuka n'okwelabira Allah عَزَّوَجَلَّ kireeta obubuyabuya. Allah عَزَّوَجَلَّ agamba mu Qurān, Juz ya 28, Sūra-e-Munāfiqūn, Ayaah 9

www.dawateislami.net

يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا لَا تُلْهِكُمْ اَمْوَالُكُمْ
وَلَاۤ اَوْلَادُكُمْ عَنْ ذِكْرِ اللّٰهِ ۚ وَمَنْ يَّفْعَلْ ذٰلِكَ فَاُولٰٓئِكَ هُمُ الْخٰسِرُوْنَ ۝٩

'Anage mmwe abakkiriza! Emmali yammwe n'abaana tebibateeka kuva ku kujjukira Allah; era oyo yenna akola kino – abo nno be bafiiriddwa.

Okuva mu From this Āyaĥ eno, mulimu eby'okuyiga bingi nnyo, abo abantu abekwaasa nga bayitiddwa eri obulongoofu oba nga basabiddwa okusaala eṢalāĥ: bagamba 'Tuli nnyo mu kunoonya ensingi ezitubezaawo! Owange si kikolwa kya kusiinza okuwanirira famile yo?' Oba bagamba, 'Bwenafuna ebiseera njakubeegatako mu Masjid.' Mazima, abo ababuyabuya booka bebekwasakwasa.

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب　　صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Ebiwobe by'abafu ebitagasa Futile Pleas of the Dead

Ekigambo ekyokulabula eri abo abafa ku kukunganya eb'okwewunda by'oku nsi kyokka; abo abagumira ebizibu mu kutambula okugenda mu nsi endala okufuna essente enyingi naye nga balekerela okuja mu Masjid; abo abakozesa essente enyingi mu kuwunda amakaa gabwe naye nga tebasobola ku waayo yadde nusu mu kkubo lya Allah عَزَّوَجَلَّ; abo abasukka ekkomo mu ku kunganya emmaali naye nga tebafaayo mu kukola emirimu emirungi. Mwegenereze! Nga okufa tekunna baja ku mifaliso gyammwe emigoonvu, egiwundiddwa mu bisenge byammwe eby'ebbeeyi, okugenda mu ntaana ey'ekizikiza etiisa, ejjude ebiwuka ebitiisa. Olwo nno muja kulekebwa nga temulina buyambi nga muwoza: 'Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ nzizaawo ku nsi nsobole oku kusinza. Nkusaba, nzizaayo. Nkusuubiza nja kuwaayo

www.dawateislami.net

emmaali yange yonna. Nja kusaala-e-Ṣalāĥ zange zonna, nga njegatirako mu Jamā'at mu Rak'at esooka [i.e. Takbīr-e-Aulā].... Sija kusubwa Taĥajjud [Okusaala kw'ekiro] Ṣalāĥ.... Amazima, nja kufuula Masjid nga bwe bulaalo bwange… Nja kusigaza enviiri za Sunnaĥ [Zulfayn] okugatako n'ekirevu ekyenkana ekikonde… Nja kwambala ekitambaala ['Imāmaĥ] ku mutwe gwange essawa yonna… Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ – nzizaayo, mpa omukisa omulala. Nja kutaasa ensi okuva ku fashoni ate nsasaanye e Sunnaĥ.... Owange Rab wange, Allah عَزَّوَجَلَّ! Mpa pmukisa gumu gwokka. Nja kwewaayo okukola emirimu emirungi…..'

Ah! Bino ebiwoobe tebija kugasa abo abaali bamaze ennaku zabwe n'ebiro byabwe nga bakola ebibi. Qurān Entukuvu etulabula; Allah عَزَّوَجَلَّ agamba mu – Sūrah-e-Munāfiqūn, Ayaah eya 10 ne 11:

وَ اَنْفِقُوْا مِنْ مَّا رَزَقْنٰكُمْ مِّنْ قَبْلِ اَنْ یَّاْتِیَ اَحَدَكُمُ الْمَوْتُ فَیَقُوْلَ رَبِّ لَوْ لَاۤ
اَخَّرْتَنِیْۤ اِلٰۤى اَجَلٍ قَرِیْبٍۙ فَاَصَّدَّقَ وَ اَكُنْ مِّنَ الصّٰلِحِیْنَ ﴿۱۰﴾ وَ لَنْ یُّؤَخِّرَ اللّٰهُ
نَفْسًا اِذَا جَآءَ اَجَلُهَاؕ وَ اللّٰهُ خَبِیْرٌۢ بِمَا تَعْمَلُوْنَ ﴿۱۱﴾

'Era muweeyo kw'ebyo byetubawadde nga okufa tekunna tuuka ku omu ku mmwe nagamba, 'Rab wange! Lwaaki tewanindikiriza wakiri akaseera akatono, nsobole okuwaayo mu kkubo lyo era mbeere mw'abo abalongoofu?' Era Allah عَزَّوَجَلَّ Tajakulindiikiriza mwoyo yadde n'ogumu nga ekisuubizo kituuse; ate Allah عَزَّوَجَلَّ Amanyi emirimu gyammwe.'

Dilā ghāfil naĥ ho yak dam yeĥ dunyā cĥor jānā Ĥay
Baghīchay cĥor kar khālī zamīn andar samānā Ĥay

www.dawateislami.net

Tayrā nāzuk badan bĥāī, jo laytay saīg phūlawn par
Yeĥ ĥogā aīk din bay jān isay kīřawn nay kĥānā ĥay

Tū apnī mawt ko mat bhūl, kar sāmān chalnay kā
Zamīn kīkhāk par sonā ĥay iyntoon kā sirĥānā ĥay

Na baylī ĥo sakay bĥāī, na baytā bāp tay mā-aī
Tū kyūn pĥirtā ĥay sawdā-aī, 'amal nay kām ānā ĥay

Kaĥān ĥay Zawr-e-Namrūdī, Kaĥān ĥay Takht-e-Fir'awnī
Ga-ay sab cĥor yeĥ fānīagar nādān dānā ĥay

'Azīzā yād kar jis din kay 'Izrā-aīl āyain gay
Na jāvay koī tayray sang akaīlā tū nay jānā ĥay

Jahān kay shaghl mayn shaghil Khudā kay żikr say ghāfil
Karay da'wā kay yeĥ dunyā mayrā dā-aim tĥikānaĥ ĥay

Ghulām aīk dam na kar ghaflat, ḥayātī par na ho ghurraĥ
Khudā kī yād kar ĥar dam kay jis nay kām ānā ĥay

Owange mutima tobeera mubuyabuya; ojakuvaawo mu katuudnu ka katikitiki, awatali kutunula mu nsoonga zo Amalimiro ojakugaleka; ogenda mu ntaana wekka Mugana wange, omubiri ggwo omunafu; guwangaala obulamu obw'okwewunda
Lumu ojakubeera mufu; ng'oliibwa ebiwuka ebitiisa Okufa kwo! Tokwelabira, wetegekere okugenda kwo Ojakweebaka ku ttaka n'obukyaafu; etaffaali nga kw'owumuzza omutwe
Teri buyambi kuva wa muganda wo, teri buyambi kuva wa mutabani, ttaata wadde maama

www.dawateislami.net

Lwaaki wetala wano ne wali; ng'ate mirimu gyokka gyegijja okkugasa.
Amaanyi ga Namrūd gali ludda wa; ennamulondo ya Faraawo eri wa
Buli omu yaleka buli kimu emabega; buli kimu kifa, bwoba ng'otegeera
Omwagalwa wange; olunaku malayika 'Izrā-aīl lwenaja
Ojakugenda wekka, teri ajakugenda naawe
We bbinkidde mu by'oku nsi; oli mubuyabuya ku kujjukira
Olinga agamba nti ensi teri gwaawo era terina nkomerero
Owange muddu tobeera mubuyabuya; tewekuluntariza ku bulamu buno obugwaawo
Jjukira Rab wo buli kaseera; kino kyokka kyekijja okukugasa.

Ekisobyo eky'ewunyisa

Ḥujja-tul-Islām Imām Muḥammad Ghazālī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba, mu Mukāshafa-tul-Qulūb, nti Sayyidunā Shaykh Abū 'Alī Daqqāq رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba, 'Omulongoofu omu omunene lumu ya lwaala, era nageenda oku mulambula. Bwenatuuka yo, nnalaba ekibinja ky'abagazi be nga bamwetolodde, era Wali oyo yali akaaba amaziga. 'Owange Shaykh! Okaaba kubanga ova ku nsi eno?' Yaddamu 'Nedda, nkaaba kubanga ndese-e-Ṣalāĥ yange.' Nabuuza, 'Naye waleka otya-e-Ṣalāĥ yo?' Ye رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه, yaddamu, 'Buli lwenavunnama [Sajdaĥ] nail mubuyabuya, buli lwenasitula omutwe gwange okuva ku kuvunnama nail mubuyabuya, ate kati ndi mukufiira mu mbeera y'obubuyabuya.'

1. Yamala nassa ekikkoowe okuva mu ntobo y'omutima gwe n'asoma ekitontome ky'Oluwarabbu, enzivvunnula eribweeti:

2. Nalowooza ku kuzuukira, okulamulwa n'entaana yange

www.dawateislami.net

3. Nzekka mu bulamu obweyawuliridde, nga nnoonya okusasirwa ebibi byange era n'ensi empambye,

4. Ndowoozeza ku bbanga ly'okulamula kwange, era butya ekitabo ky'emirimu gyange bwekija okuleetebwa, obuswaavu obwo.

5. Naye Owange Katinda era Omugabi! Nnina esuubi ely'okufuna Okusaasira kwo [Raḥmat]; Ebibi byange gwe wekka asobola oku bijawo. *(Mukāshifat-ul-Qulūb, p. 22)*

Okuyingira geyena (omuliro) mu maziga

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ekyafaayo ekyo waggulu kirimu eby'okuyiga bingi. Abalongoofu bamala ebiseera byabwe byonna mu bulamu bwabwe mu kujjukira Allah عَزَّوَجَلَّ. Naye nweankubadde baali bagazi ab'olubeerera aba Allah, empisa z'obuwombeefu n'obwetoowaze byabaziyiza okwewaanira ku mirimu gyabwe egy'okusinzaa ate nezibateeka okukaaba amaziga mu kutya kwa Allah عَزَّوَجَلَّ. Ku ludda olulala, ababuyabuya tebalina yadda n'omulimu omulungi ogumu era bali wala nnyo okuva ku madaala g'obwamazima naye berowooza ko nti bawaggulu ate bewaanira ku mirimu gyabwe eby'eddiini. Abantu abalongoofu abeddala, newankubadde bali wala nnyo okuva ku bibi, bakankana mu kutya Allah عَزَّوَجَلَّ era bakaaba, naye ababuyabuya beyongera mu maaso n'emirimu gyabwe emibi, balaangirira ebibi byabwe mu lujjudde, era baseka nga bewaana mu kunyumya ku bujeemu bwaabwe. Mwegeendereze! Ḥujja-tul-Islām Imām Muḥammad Ghazālī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba nti Sayyidunā 'Abdullāĥ Ibn 'Abbās رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُمَا yagamba, 'Oyo yenna aseka ng'akola ekibi ajakuyingira geyena (omuliro) ng'akaaba.' *(Mukāshifat-ul-Qulūb, pp. 375)*

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب　　صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

www.dawateislami.net

Watya omuntu afiirwa Omukkiriza [Imān]?

Abo abliimba mu lujjude, abo abamenya okusuubiza kwabwe awatali kwejjusa, abo abatuunda ebintu ebibi ebicupuli, abo abasanyuka nga balaba filimu n'okuwuliriza omuziki, abo abanyiiiza abasiraamu nga bezanyiriza; bonna balina okutwaala akaseera okulowooza ennyo era bafumiitirize ku bikolwa byabwe bino. Kiki ekina tutuuka ko butya Allah عَزَّوَجَلَّ nOmwagalwa we Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم batunyigidde? Butya tufiirwa obukkiriza bwaffe olw'okukola ebibi, era geyena nafuuka obuddo bwaffe?

Muggule emitima gyammwe n'obwongo era muwulira Āyaĥ eno, Allah عَزَّوَجَلَّ agamba mu ayah ya - 82 nd eya Sūra-tuṭ-Taubaĥ:

فَلْيَضْحَكُوْا قَلِيْلًا وَّلْيَبْكُوْا كَثِيْرًا ۚ

'Bwe kityo balina okuseka katono ate bakaabe nnyo.'

Ababaka basatu ab'okufa

Ḥujja-tul-Islām Sayyidunā Imām Muḥammad Ghazālī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba mu Mukāshafa-tul-Qulūb nti Nabbi Sayyidunā Ya'qūb عَلَيْهِ السَّلَام yali wamukwaano ne Malayika w'Okufa [Malak-ul-Mawt] Sayyidunā 'Izrā-aīl عَلَيْهِ السَّلَام Lumu malayika Sayyidunā 'Izrā-aīl عَلَيْهِ السَّلَام yajja, Sayyidunā Ya'qūb عَلَيْهِ السَّلَام namubuuza, 'Ozze kunkyaalira oba okutwala omwooyo gwange?' Yaddamu, 'Okuku sisinkana.' Sayyidunā Ya'qūb عَلَيْهِ السَّلَام yamala nasaba, 'Nga tonnaba kujja kutwaala mwooyo gwane, nsindikira ababaka abamu (okundabula)', Malayika w'Okufa, Sayyidunā 'Izrā-aīl عَلَيْهِ السَّلَام yakkiriza, 'Nja kukusindikira ababaka babiri oba basatu.'

Oluvannyuma, Malayika w'Okufa bwayajja okutwaala omwooyo gwe, Sayyidunā Ya'qūb عَلَيْهِ السَّلَام yabuuza, 'Baliwa ababaka bewalina

www.dawateislami.net

okunsindikira, nga tonnaba kutwaala mwooyo gwange?', malayika, the angel Sayyidunā 'Izrā-aīl عَلَيْهِ السَّلَام yaddamu, 'Envi oluvanyuma lw'enviiri ezirugavu, obunafu oluvanyuma lw'amaanyi, n'omu goongo ogwewese oluvanyuma (lw'omugumu) omutereevu; Owange Ya'qūb عَلَيْهِ السَّلَام Bano be babaka bange, bensindikira abantu nga tebannafa.' *(Mukāshifat-ul-Qulūb, pp. 21)*

Ekitontome kino eky'Oluwarabbu kitulabula:

مَضَى الدَّهْرُ وَالْاَيَّامُ وَالذَّنْبُ حَاصِلٌ وَجَآءَ رَسُوْلُ الْمَوْتِ وَالْقَلْبُ غَافِلٌ

نَعِيْمُكَ فِي الدُّنْيَا غُرُوْرٌ وَّحَسْرَةٌ وَعَيْشُكَ فِي الدُّنْيَا مُحَالٌ وَّبَاطِلٌ

Ennaku ziyise naye ebibi byebisinga,
Malayika w'Okufa azze naye omutima mwonoonefu.

Eby'okwewunda byammwe eby'oku nsi byabulimba era kulwa bbyo mujakubeera mu bulumi
Okwagala kwammwe okubeera mu nsi lubeerera kirowoozo ekitagasa.

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Obulwadde nabo bubaka bwa kufa

Abagalwa ab'oluganda abasiramu! Kati tutegeera ekya mazima nti Malayika w'Okufa asindika ababaka nga okufa tekuna tuuka wo. Okugata ku babaka abo abasatu ab'ogedwako waggulu, waliyo abalala ab'ogedwako mu Ḥadīš endala; nga obulwadde, okubulwa okulabira ddala oba obunafu bw'okulaba, n'obuzibu mu kuwulira. Waliwo bangi mu ffe abasisinkanye amubaka wa Sayyidunā 'Izrā-aīl's Tulabye! Naye kiki kyetunakolera obubuyabuya bwaffe! Embeera yaffe gyetulimu eri nti tugamba nti envi ziva ku ssenyiga, naye nga amazima zitulabula ku kufa! Mu ngeri y'emu mu bulwadde tusigala

www.dawateislami.net

tuli mu bubuyabuya, ate netwealabira abantu abatabalikika abafa buli lunaku olw'ensonga zezimu. Katono nnyo tetulaba nti obulwadde obulabika nga 'obutono' busobula okutta era abagalwa baffe baja kunakuwala ate abalabe basanyuke, naye omufu ajakuziikibwa mu ntaana ey'ekizikiza wamu n'emirimu gye gyokka, emirungi oba emibi.

Erinnya liwamdiikibwa ku mulyango gwa geyena (omuliro)

Jjukira! Oyo yenna agwa mu mutego gw'obubuyabuya era neyeyongera okukola ebibi avude ku kkubo lye era aja kubulira mu kizikiza ky'ebibi. Allah عَزَّوَجَلَّ ne Rasūl we صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم bwebanyiiga, olwensinga eyo, aja kubonerezebwa mu ntaana era n'ebibonerezo bya Akhirat.

Olwo okwejjusa n'okuwulira ennaku tebija kugasa. Okyalina omukisa, wenenye mu butuufu bw'okwenenya era otnadike okuwangaala obulamu bwa Sunnaĥ. Nabbi waffe صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yatulabula: 'Oyo yenna aleka-e-Ṣalāĥ emu, elinnya lye lijakuwan diikibwa ku lujji lwa Geyena (Omuliro) mwajja okuyita aguyingire.'

(Ḥilyat-ul-Awliyā, pp. 299, vol. 7, ḥadiš. 10590)

Mu ngeri y'emu kigambibwa mu Hadis endala, 'Oyo yenna aleka okusiiba olunaku mu Ramaḍān, nga takiriziddwa Sharī'aĥ oba ku lw'obulwadde; ayinza okusiiba kwonna kwayagala oluvanyuma naye, ezo (ensiiba) tezija kwenkanankana kusiiba okwo okumu, newankubade nga asasudde olunaku olw lweyali tasiibye.'

(Jāmi' Tirmiżī, pp. 175, vol. 2, ḥadiš. 723)

Amaaso agajjuzibwa omuliro

Abo abatunuulira abakyaala, abo bakaggwa ensonyi abegomba abavubuka n'obwagazi, abo abalaba filimu ku TV, abo abawuliriza

www.dawateislami.net

omuziki, n'abo abawuliriza okugeya kwabalala balina okwenenya mangu ddala kubanga ebibonerezo by'ebibi bino tebiyinza kugumirwa.

Ḥujja-tul-Islām, Imām Muḥammad Ghazālī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba, 'Oyo yenna ajjuza amaazo ge ne Ḥarām [i.e. ng'alaba ebitaki rizibwa], amaaso ge gaja kujjuzibwa omuliro ku lunaku lw'enko merero.' *(Mukāshifatul-Qulūb, p. 10)*

Emisumaali gikomererwa mu maaso n'amatu

Omumanyi wa Ḥadīš amanyikiddwa ennyo era Omulongoofu mu omunene mu ba Shāfi'ī Ow'ekitiibwa Shaykh Jalāl-ud-dīn Suyūṭī Shāfi'ī yagamba, 'Nabbi Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yalaba abantu abalina emisomaali nga kikomereddwa mu maaso ne mu matu gabwe. Yategezebwa nti 'Baalaba ebyo byotalaba ate nebawuliriza ebyo byoatawuliriza' *(Sharaḥ-us Ṣudūr, pp. 171)*

Nolwekyo abantu abalaba era ne bawuliriza ebintu bya Ḥarām bajakubeera n'emisumaali nga ki komereddwa mu maaso ne mu matu gabwe. Mwetegereze! Kiri Ḥarām eri abaami okutunuulira abakyaala ate eri abakyaala okutunuulira abaami n'amaddu amabi, ate buli kikolwa kya Ḥarām kikutwaala mu muliro.

Okufaanana/okugeegeenya ffeesi y'abasiinza omuliro

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Kiri Ḥarām okusalako ekirevu oba okukisala okukira obuwanvu bw'ekikonde. Sayyidunā Imām Muslim رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba nti Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yatulabula, 'Musaleko amasulubu gammwe; muleke ebirevu byammwe okukula era temufaanana / temugeegeenya abasiinza omuliro.'

(Saḥīḥ Muslim, pp. 129, vol. 1)

www.dawateislami.net

Ḥadīš eno eyita abasiraamu okuzuukusa entegeera yabwe; abaffe tekyewunyisa abantu okugamba nti bagala nnyo Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم, naye nga begoomba abalabe be.

Ani gwolina okwebikiririra?

Banyina bange abasiramu, abampuliriza emabega w'olutiimbe.

Mwetegeereze! Obuta bikka bulungi mibiri gyammwe kiri Ḥarām. Okutunula n'obwagazi eri omusajja Na-Mahram nakyo kiri Ḥarām ate ebikolwa bwebiti bitwaala omuntu mu Muliro gwa geyena. Abasajja balina okwawala okutunuulira abakazi ate bewale okusisinkana okutalina mugaso [okuyimirizaawo Pardaĥ] n'abakazi ba kizibwe ne bakyaala ba bataata babwe. 'Pardaĥ' y'emu erina okugobererwa wakati w'omusajja n'ebanyina ab'omubufuumbo ate ne wakati w'omukazi n'omuko. Ekya mazima, empisa y'emu erina okugobererwa wakati w'omukazi ne Shaykh [Murshid] we.

Omukazi talina kunywegera ngalo za Shaykh we; tasobola nakuleka mukono gwe kuteekebwa ku mutwe gwe [okufuna emikisa]. Abawala balina okugoberera 'Purdah' nga batuuse ku myaaka 9, ate abalenzi balina okugigoberera nga batuuse ku myaaka 12.

Ebibi by'okugoberera emitendera egyaganibwa

Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, 'Ku kiro kya Mairāj [okwambuka] nnalaba ennimi z'abasajja nga zisalibwa ne makaansi, bwenabuuzaa,' Bano abanti be b'ani?' Malayika Jibrīl [Gabriel] yaddamu, 'Bewuunda, ku nsi, n'ebyo ebintu ebyaganibwa.' Okweyong erayo Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم agamba, 'Nnawulira n'amaloboozi ag'ebiwoobe n'okuwoggana okuva mu kinnya ekiwunya obubi.' Sayyidunā Jibrīl عَلَيْهِ السَّلَام yanyonyola,' bano b'ebakazi abaali bewuunda n'ebintu ebyaganibwa.'

(Tarīkh-u-Baghdād, pp. 415, vol. 1)

www.dawateislami.net

Jjukira! Cuntekisi (langi w'enjala)ateeka olubuubi olubika ku njala [era nekiziyiza amazzi okutuuka ku njala] ekitegeeza nti teri Wuḍū yadde Ghusl etuuka, era mu ngeri eyo kita/kiyonoona-e-Ṣalāĥ.

Nkubiriza banyina abasiramu bonna okwambala Madanī Burqa[1] n'okukozesa gilavuzi ne sokisi [ng'enyambala yabwe]. Tolaga yadde ngalozo oba wansi w'ebigere eri ba NaMahram.

Sasula-e-Ṣalāĥ

Allah atutaase, bwoba nga olina eṢalāĥ gyewaleka oba okusiiba ennaku ezimu [eza Ramaḍān], zibale era ozisasule. Wenenyeze okulwaawo okwo nakwo. Okuyiga ku ngeri y'okusasula eSalāĥ ekuyiseko, gula akatabo akayitibwa 'The Method of Performing Qaḍā Ṣalāĥ', okuva mu ttabi lyonna erya Maktaba-tul-Madīnaĥ. Kija kubeera kirungi nnyo bw'ogula ekitabo 'Laws of Ṣalāĥ'[2]. Ekitabo kino kirina ebyetagisa okumanyibwa ku Wuḍū, Ghusl, Ṣalāĥ, ne Ṣalāĥ ekuyiseko. Kisobokera ddala nti bwomala okusoma ekitabo kino ojakwejjusa engeri gyewali ewala ennyo okuva ku nfuna entuufu eya Wuḍū n'engeri entuufu e'okusaala eSalah.

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب　　صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Allah nga ayagadde (اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ)

Ab'oluganda abasiraamu bona balina okulaga ebiruubirirwa

[1] Madanī Burqa lwelugoye olulagaya nga lubikka omubiri okuva ku mutwe okutuusa ku bugere –Majlis Evvuunula.

[2] Tukusaba okugula ebitabo obutabo n'emisomo egyagazisa eSunnah egya Amīr-e-Aĥl-e-Sunnat okuva mu Maktaba tul Madīnaĥ – 'Ubaīd Razā ibn 'Aṭṭār

www.dawateislami.net

byabwe nga balangirira اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ - mu ddoboozi elya waggulu, nga bwokola Niyyat (okunuyirira) enyweevu [mu mutima gwo].

'Okuva kati paka sija kusubwa Ṣalāĥ yonna.' اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ 'Sija kuleka kusiiba kwonna mu Ramaḍān.' اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ 'Sija kulaba filimu.' اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ 'Sija kuwuliriza muziki.' اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ 'Sija kusalako kirevu kyange.' اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ 'Sija kukendeeza kirevu kyange, kukira obuwanvu bw'ekikonde.' اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ

Ekyewuunyisa kya Dawat-e-Islami

Buli omu kummwe alina okuyingira Dawat-e-Islami kubanga kulwa yyo, اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ; ojakuwangula mu bulamu buno n'obuja. Kambabuulire ku kyewuunyisa kya Dawat-e-Islami. Ekyafaayo kino kyaliwo emabega akatono era اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ, kija kukusanyusa era kize obujja omutima gwo.

Omubiri gwa Muḥammad Iḥsān 'Aṭṭārī

Ow'endowooza y'eddembe, omusiramu omuto, Muḥammad Iḥsān, okuva mu kitundi kya Gul-baĥār mu Karachi [Pakistan], yayingira Madanī Māḥaul [Embeera enongoofu] eya Dawat-e-Islami era nafuuka omugoberezi [Murīd] wa Ḥaḍrat Sayyidunā Ghauš-e-A'ẓam kyaleetawo enkyukakyuka ennene mu bulamu bwe. Yasigaza ekirevu ekijjuvu era nayambala ekitambala ekya kiragala ku nkofiira ye, essaawa zonna.

N'okweyongerayo, yayiga okusoma Qurān Entukuvu, n'amateeka amatuufu ag'okwatula [Tajwīd], ku Madrasa-tul-Madīnaĥ. Yetaba ne mu Naykī kī Da'wat [okuyita abantu eri obulongoofu] era natandika okubakubiriza ng'akozesa Infirādī Koshish [kawefube wa sekinnoomu].

www.dawateislami.net

Olunaku lumu, yawulira obulumi mu ddokooli rye. Newankubadde yafuna obujanjabi, embeera yayonoonera, era nefuuka ey'obussi oluvanyuma lw'akaseera. Yategeka ekiraamo kye (Eddaame), ng'akozesa enyiriri z'ekiraamo kyange ekyafulumizibwa 4 era nakiwa Nigrān wekitundu kye, katono nga tanaba kufa. Yalina emyaaka nga asatu mw'etaano (35) mu kiseera ky'okufa kwe era yaziikiwa mu limbo ya Gul-baĥār. Nga bagoberera eddame lye, ab'oluganda abasiraamu bategeka olukungana lwa Żikr ne Na'at, okumala nga essaawa 12 kumpi n'entaana ye. Ku Lw'okubiri 6th Jamādi-ul-Ākhir 1418A.H. (7th October 1997), nga emyaaka esatu n'ekitundu oluvanyuma lw'okufa kwe, omulambo gw'owoluganda omusirmu omulala, Muḥammad ʻUšmān ʻAṭṭārī, gwaletebwa mu limbo y'emu okuziikibwa.

Abamu ku betabi basembera ku ntaana aya Muḥammad Iḥsān ʻAṭṭārī okusoma Fātiḥaĥ (Iīṣāl-e-Šawāb). Bewunya nny okusanga ekinya ekinene ku ludda lw'entaana. Abantu bweuunya okulaba nti Muḥammad Iḥsān ʻAṭṭārī, eyali yaziikibwa emyaaka esatu n'ekitundu emabega, yali agalamidde bulungi n'ekitambalaala kye, nga bweyaziikibwa, omubiri gwaali gukyaali wamu era nga mukuumwe ate ng'akawoowo kava mu ssanda ye. Amawulirre gasasaanya nnyo ng'omuliro gw'ekibira era abalabi bakungana awo okutuusa mu matuumbi budde ag'ekiro. Abalabi bano bewunya ku obuggya bw'omubiri ogwali guzingidwa mu ssanda ogwa Muḥammad Iḥsān ʻAṭṭārī. Abamu kw'abo abalambula, mwalimu abaali balina endowooza enkyamu ku Dawat-e-Islami, naye oluvanyuma lw'okulaba Ekisa Ekyenjawulo ekya Allah عَزَّوَجَلَّ eri Ow'oluganda Omusiramu ono, basuula ebali endowooza enkyaamu ezo era nebafuuka abagazi ba Dawat-e-Islami.

www.dawateislami.net

Jo apnī zindagī mayn Sunnatayn un kī sajātay hayn
Khudā-o-Muṣṭafā apnā inhayn piyārā banātayn hayn

Abo abamala ennaku zabwe nga bagoberera Sunnaĥ
Okwagala kwa Nabbi ne Allah byebaja okufuna

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Omujulizi wa Dawat-e-Islami

Abagalwa bange ab'oluganda abasiramu! Muyinza okuba nga mu kimanyi ko eky'okugezesa mu kutta era n'okumalawo obulamu bw'ono omuddu omuwombeefu owa Sunnaĥ [i.e. Amīr-e-Aĥl-e-Sunnat, Maulānā Muḥammad Ilyās Qādirī], nga 25th Rajab 1416 A.H., mu Lahore. Olw'okugezesa kuno ba Muballighīn babiri [ababulirizi ba Dawat-e-Islami], Ḥājī Uḥud Razā 'Aṭṭārī ne Muḥammad Sajjād 'Aṭṭārī batemulwa. Oluvanyuma lw'emyeezi 8 ntaana ya Ḥājī Uḥud Razā 'Aṭṭārī yafuna obukosefu olw'enkuba enyingi eyali etonya mu Lahore. Mu butanwa entaana ye yasimibwa omulambo gwe gusobole okutekebwa mu ntaana endala.

Ekyewunyisa bonna abaaliwo, entaana ye bweyagulwa omubiri gwe gwaali gukyaali muggya era nga si mukosefu. Mu bungi bw'abantu, omubiri 'gw'Omujulizi wa Dawat-e-Islami' gwatekebwa mu ntaana empya. Kino ekyafaayo kiwandikiddwa mu bujjuvu mu katabo, 'The Marvels of Dawat-e-Islami Part 2.' Nsaba ab'oluganda abasiraamu b'ebanyina bonna begate ku mbeera enongoofu Madanī eya Dawat-e-Islami. Tewali 'membership process' mu Dawat-e-Islami. Fuba nnyo wetabe mu Ijtima' ya Dawat-e-Islami eya buli wiiki mu kitundu kyo era otambule ne ba 'Āshiqān-e-Rasūl [Abagazi ba Nabbi] mu Madanī Qāfilah okuyiga enkola ya Nabbi [Sunnaĥ]. Buli

www.dawateislami.net

muntu alina okufuba okuyita abantu eri obulongoofu ate alafubane okusomesa e Sunnaĥ.

Sunnatayn ‘ām karayn dīn ka hum kām karayn

Nayk ho jayain Musalmān Madīnay walay

Sunnaĥ esaasaane ate e Dīn nayo esaasaane era ebune Owange Nabbi wa Madīnaĥ ! Obulongoofu abasiraamu babufune

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

www.dawateislami.net

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ اَمَّا بَعْدُ فَاَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ ط بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ط

Okufuuka omulongoofu era omusiraamu asaala e Salah

Mala ekiro kiramba mu Ijtimah eyagaza Sunnah ey'abuli wiiki eya Dawateislami etegekebwa buli Lwakuna oluvanyuma lwa Salat-ul-Maghrib mu kibuga kyo, okufuna okusiimibwa kwa Allah (عَزَّوَجَلَّ) n'ekigendererwa ekirungi. Okuyiga e Sunnah, kifuule kyabuli gyo okutaambula ne **Madani Qafilah** z'ennaku 3 buli mweezi n'abagaazi ba Rasul, okujjuzaamu akatabo ka **Madani In'amaat** buli lunaku ng'okola **Fikr-e-Madinah** era okawe oyo ow'oluganda abuvunanyizibwakwo mu kifo kyo ku lunaku olusooka mu buli mweezi ogwa Madani.

Ekiruubirirwa kyange ekya Madani: "Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ." Okuloongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku **Madani In'amaat** ate okuloongoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne **Madani Qafilah** اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ.

www.dawateislami.net

MC 1286

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.
UAN: +92 21 111 25 26 92 | **Ext:** 1262
Web: www.dawateislami.net | **E-mail:** translation@dawateislami.net